**18th December 2016.**

# **ENTIKKO ETUUKIRIDDE.**

**Lubereberye 49,50.**

Twebaza nnyo Mukama, nti amakya ga leero tutuuse okumaliriza ensomesa zaffe mu kitabo ky'omwaka guno eky'olubereberye, era entandikwa. Ekiggweera mu bunabbi awamu n'okufa - okuvawo kwa Isirayiri awamu ne Yusufu mu bujjuvu bw'okukkiriza kwabwe mu Mukama Katonda wa Ibulayimu, Isaaka ne Isirayiri Omwesigwa, nga bwe gwaali omulamwa gwaffe omulundi ogwaggwa, eky'alina okuba nti ky'asikiriza eggwanga lyonna okusigala obumu era okunyweera mu kukkiririza n'okusinza Katonda waabwe, okutuusa we baatuuka okukisaba Falaawo mu Kuva nga bwe gwaali emyaaka 400 oluvannyuma.

Mu ngeri y'okwaatulira batabani be nga Nuuwa bwe yakola mu ssuula 9:25,26, tulaba Yakobo akuŋŋaanya batabani be ku kitanda kye ng'anaatera okufa okubawa omukisa gw'obunnabbi eri enda zaabwe gye buliggya. 49:1,2………

Tusome nga bwe tweetegereza 49:3,4…
Ekyabaawo Lewubeeni bwe yeebaka ne muka kitaawe Beriya emyaka nga ana emabega ky'amuleetera okufiirwa obuyinza n'omukisa gw'omuggulanda. Okuyuuga kwe ng'amayengo g'ennyanja kw'amuleetera obuteekugira mu mpisa n'aweebuuka eky'amuleetera okufiirwa erinnya ne mu biro byonna eri ezzadde lye nti tewali wadde mulamuzi, nabbi oba mulangira eyava mu kika kye na guno guggywa. Engero 6:32,33……..

Lnny.5 – 7…

Obusungu / obukambwe bwaabwe bwakolimirwa kubanga nga bwe guba, obusungu buleetera okuzikirira. (Mat.5 :22…naye nange mbagamba nti buli muntu asunguwalira muganda we, alizza omusango; naye anaagambanga muganda we nti Laka, asaanidde okutwalibwa mu lukiiko, naye anaagambanga nti musirusiru, asaanidde okusuulibwa mu Ggeyeena ey'omuliro. )
Era bwe bwaasubya ne Musa okuyingira mu nsi ensuubize…..

Lnny.8 -12…..

Yuda, eritegeeza okutendereza – atenderezebwa na kati mu Yesu Kristo, era Empologoma y'ekika kya Yuda (Kubikk. 5:5). Era okuva ku Kabaka Dawudi obunabbi bwe bwatandika okutuukirira….. Ye yalya ekitiibwa ky'obusika bwa Isirayiri emirembe gyonna.

Nnyy.13 -…….Abalala, tusome nga bwe tubalaba……

Nnyy.22 - 26 ….Yusufu……

Nnyy. 27……Benyamini.

Lnny 28……okwaatula kw'ebika bya Isirayiri okusookera ddala mu Baibuli.

Nnyy… 29 ……..Okufa kwa Isirayiri…..

Kuyingira mu ssuula 50………

Wadde ekitabo kiggweera mu kkungubaga, kyokka era enkomerero ziraga lwatu obuyinza, obutuukirivu n'ekisa kya Mukama ebiluse engero zaamu zonna, okutulaga Mukama Katonda waffe era wa byonna, gwe tugwaanidde okukkiririrzaamu, n'okugondera tumugoberere lubeerera, kwe kuba kwaffe n'entikko etuukiridde mu kkyo, kubanga n'ebyo byonna Isirayiri ne Yusufu bye baalaamiriza nga banaatera okufa Mukama yabituukiriza okkakasa embala ye Y'obwa Katonda wa byonna era omutegesi w'obutuukirivu….